**27th August 2017.**

# OKUTUMWA KWA MUSA.

**Okuva 3:16 – 4:17.**

Omulundi ogwaggwa twaaleka Mukama, wakati mu kisaka ekikoledde omuliro kyokka nga tekisiriira, ayogera ne Musa, amuyise erinnya lye, ate era amweyanjulidde, n'ensonga y'ensisinkano y'abwe agimutegeezezza.
We tweeyongerayo leero n'okutumwa kwe, mw'amuweera ebiragiro, n'obukafu bw'okutumwa kwe……

Tusome nga bwe tweetegereza bwe gwaali, okuva ku lnny.16 essuula 3….
Bwe tweetegereza mu nzivuunula kansangwawo, olunnyiriri olwo lugamba "Genda okuŋŋaanye abakadde ba Isirayiri awamu, obagambe nti Mukama Katonda wa bajjajja bammwe, Katonda wa Ibulayimu, owa Isaaka, era owa Yakobo, yandabikidde ng'ayogera nti Mbajjiridde ddala, ndabye bye mukolebwa mu Misiri: Bwe twejjukanya Yusufu bye yalaamiriza mu Lub. 50:24,25 zigamba nti "Yusufu n'agamba baganda be nti Nfa: naye Katonda telirema kubajjira n'okubaggya mu nsi eno okubatwala mu nsi gye yalayirira Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Yusufu n'alayiza abaana ba Isiraeri ng'ayogera nti Katonda talirema kubajjira, nammwe mulitwala amagumba gange nga mugaggya muno.
Tulaba nga by'ebigambo by'ennyini kyenkana Mukama by'akozesa oluvannyuma lw'emyaka egisoba mu 400! Okkakasa obutereevu bw'ebigendererwa by'ekigambo kya Mukama. Nti byonna biba nga bw'abigamba okuba, nga bwe tweeyongera okulaba okakasa Musa….

Lnny.17….
Lnny.18-22……Mukama yabuulira Musa, engeri gye bigenda okuba mu bufunze eyo gy'amutuma, era tumanyi nti bwe gwaali.
Nze kimpa okulowooza ku buyinza bwa Mukama eri buli kibaawo, ekindeetera okuba n'entiisa y'Obwakatonda bwe, n'okweyongera kw'okumukkiririzaamu.

Kyokka tulaba Musa ate ng'atandika okuwakana ne Mukama,…..teebereza! Ayogera avunnamye mu maaso g'omuliro, nga bwe tumanyi nti "Baeb. 12:29... Katonda waffe gwe muliro ogwokya."

Mu ssuula 4:1-17…….
Ebyamagero byaalina amakulu eri okutumwa kwe eri Falawo n'abamisiri, awamu n'Abaebbulaniya.
Mu Bik. 7:22, Suteefano ng'ajjudde Omwoyo yagamba nti "Musa n'ayigirizibwa mu magezi gonna ag'e Misiri; n'abeera wa maanyi mu bigambo bye ne mu bikolwa bye." Kyokka oba obulaalo bw'endiga bwe bwaamuleetera okunanagira? "Nnembeggerera….!"
Lwaaki Musa yalaba ebyamagero kyokka n'atakkiriza? Bikyuusa ndowooza naye ssi mutima.

Era nga Mukama bw'atalemesebwa kutuukiriza kwagala kwe, Musa yamala n'akkiriza okutumwa kwe, era mu kkwo, tumanyi nti mwe yalina okuyigirizibwa bingi nnyo, olw'okusoomoozebwa okungi, ebyaamufuula Musajja wa Mukama nnakinku, ow'olubeerera.